# Ebya PLE bisuubirwa nkya ku Lwokutaano

Bya MUSASI WAFFE

EBYAVA mu bigezo bya P7 bisuubirwa okufulumizibwa enkya ku Lwokutaano okusinziira ku nsonda mu Minisitule y'ebyenjigiriza.

Eggulo ku Lwokusatu akulira UNEB, Daniel Odongo n'abakungu b'ekitongole kino wamu n'aba Minisitule y'Ebyenjigiriza, baasisinkanye Minisita Janet Museveni ne bamuyitirayitiramu ng'abayizi bwe baakoze ebigezo bya PLE.

Abayizi 817,885 be baatuula PLE nga November 3 ne 4, 2025 mu masomero 16,140 okwetooloola Uganda nga kwaliko abawala 428,356 n'abalenzi 389,529.

Ku bayizi abo 817,885, kuliko 522,039 (ebitundu 64 ku 100) Gavumenti b'esasulira mu masomero ga UPE ate abasigadde 295,846 (ebitundu 36 ku 100) ba mu masomero ag'obwannannyini.

Omuwendo gw'abayizi abaatudde PLE mu 2025 gwasinze abaatuula mu 2024 abaali 797,444.



Jenniffer Musamba, omwogezi wa UNEB.